# Abakozi babakuutidde okulinnyisa omutindo gwabwe

Bya VIVIEN NAKITENDE

ABAKOZESA basabye abakozi okweyongerako omutindo ku bye basomye baasobole okufuna akatale n'obuganzi mu nsi y'emirimu.

Baabadde basinsikanye abayizi mu bikujjuko byabwe ebya Job Portal, omukutu gw'oku mutimbagano ogukozesebwa okunoonyeza abayizi abamaze emisomo emirimu wano n'ebweru w'eggwanga, ekyatandikibwawo ba yunivasite ya ISBAT mu 2024.

Omugenyi omukulu Milton Steven Owore akulira abakozi mu kittavvu ky'abakozi ekya NSSF, yasabye abayivu okweyongerako omutindo naddala mu bya tekinologiya kubanga kati ensi kw'etambulira n'agamba nti kijja kwongera omutindo ku buyigirize bwabwe bayayaanirwe mu nsi y'emirimu ne yeebaza ISBAT olw'enteekateeka eno.

Yasabye abantu okujjumbira okutereka ku ssente ze bakola zisobole okubayamba mu maaso, n'ategeeza nti kati NSSF ereese enkola nnyingi okuyambako abantu okutereka, abasomye n'abataasoma abali mu mirimu gya lejja lejja, ate nga ssente zaabwe bwe zibakolera amagoba.



Abayizi nga bawuliriza abakozesa. Mu katono ye Milton Steven Owore.

Yawabudde abakozi okweyisa obulungi, nti kubanga empisa ku mirimu gye balaga kikulu okubawangaaliza ku mirimu ate n'okubasitula okutuuka ku madaala aga waggulu ge beetaaga.

Akwasaganya ensonga z'abayizi ku ISBAT yunivasite, Dr Paul Giju yategeezezza nti, baateekawo enkola eno okutuusa obusobozi bw'abayizi baabwe eri abo ababwetaaga, nga bakolagana n'ebitongole n'amakampuni ebisukka mu 500 okwetoloola eggwanga lyonna, okulaba nga babafunira emirimu wano n'ebweru w'eggwanga.

Akulira ekitongole kya National Chamber of Commerce, Olive Kigongo eyakiikiriddwa Steven Joseph Mpagi Kalibbala, yeebazizza ISBAT yunivasite olw'entegeka eno, n'ategeeza nti, ekimu ku bizibu mu ggwanga kati ly'ebbula ly'emirimu mu bavubuka abasomye nti kale omukutu guno gwakuyambako nnyo.